The Regional Coordinator - LVEMP II Civil Society Watch Project of the East African Sustainability Watch Network, (C/o UCSD) Nsambya - Kabalagala(Gaba Road),
P. O. Box 27551 Kampala (Uganda) Tel: +256 414 269 461, Email: Ugandacoalition@infocom.co.ug, www.easuswatch.org

The National Coordinator (C/o UCSD), Nsambya - Kabalagala (Gaba Road)
P. O. Box 27551 Kampala (Uganda) Tel: +256 414 269461 Email: dmwayafu@ugandacoalition.or.ug, www.ugandacoalition.or.ug

EKIWANDIIKO EKIRAMBIKA LVEMP II BY'EGENDA OKUKOLERA ABANTU ENGERI GY'EBINAKOLEBWA AWAMU N'OBUVUNANYIZIBWA BW'ABANTU (CLIENT SERVICE CHARTER)

LVEMP II erina ekigendererwa eky' okulaba nti obugagga n'obutonde obusangibwa mu kitundu omuli Ennyanja Nalubaale bukozesebwa bulungi.

Uganda Coalition for Sustainable Development

Sustainable Environment Development Watch (SUSWATCH KENYA)

Tanzania National Focal Point

The Regional Coordinator - LVEMP II Civil Society Watch Project of the East African Sustainability Watch Network, (C/o UCSD) Nsambya - Kabalagala(Gaba Road),
P. O. Box 27551 Kampala (Uganda) Tel: +256 414 269 461, Email: Ugandacoalition@infocom.co.ug, www.easuswatch.org
The National Coordinator (C/o UCSD), Nsambya - Kabalagala (Gaba Road)
P. O. Box 27551 Kampala (Uganda) Tel: +256 414 269461 Email: dmwayafu@ugandacoalition.or.ug, www.ugandacoalition.or.ug

Ekitongole ekya East African Sustainability Watch Network (EA SusWatch Network) y'entabiro y'ebibiina binnakyeewa ebisangibwa mu Uganda, Kenya ne Tanzania. Ebibiina bino birina eggwandikiro lyabyo mu kitongole kya Uganda Coalition for Sustainable Development (UCSD) e Kampala mu Uganda.

Ekiwandiiko ekirambika LVEMP II by'egenda okukolera abantu engeri gy'ebinakolebwa awamu n'obuvunanyizibwa bw'abantu (Client Service Charter), kyakolebwa oluvanyuma lw'okwebuuza ku bantu abasangibwa mu bitundu omuyita omugga Nyando e Kenya, Simiyu oguli mu Tanzania awamu n'omugga Katonga oguli mu Uganda. Mu ngeri y'emu waaliwo okwebuuza ku bantu abalala abakwatibwaako ensonga eno mu kitundu omuli ennyanja Nalubaale.

Ekiwadiiko kino (Client Service Charter) kyakolebwa nga y'emu ku ntekateeka ya ppuloojekiti eyitibwa EA SusWatch Network's LVEMP II Civil Society Watch Project. Ppuloojekiti eno erafubana okulaba nga ebigendererwa bya Lake Victoria Environmental Management Project (LVEMP II) ne East African Community Climate Change Policy (EACCCP) bituukirizibwa.

Ekitongole kya LVEMP II ye ppuloojekiti etaba amawanga oba ensi ezebalamye ekitundu kyonna omuli ennyanja Nnalubaale abasinga gye bamanyi nga Victoria. LVEMP II erina ekigendererwa eky'okulaba nti obugagga n'obutonde obusangibwa mu kitundu omuli ennyanja Nalubaale bukozesebwa bulungi buleme kusaanawo. LVEMP II yatadikibwa gavumenti z'amawanga agegattira mu mukago gw'ensi ettaano ezisangibwa mu bugwanjuba bw'Africa omuli (Burundi, Kenya, Rwanda,Tanzania ne Uganda). Ebitongole ebisakirira n'okuyamba LVEMP II bye bino; (Global Environment Facility; Government of Sweden; saako ne World Bank). Ekigendererwa ky'omukago guno kwe kwanukula omulanga ogweleka nti embeera y'obutonde mu kitundu kyonna omuli ennyanja Nnalubaale egenze eyonooneka.

Ppuloojekiti ya LVEMP II egenderera okwanganga okusoomozebwa okweyolekera mu mbeera zino; okweyongera kw'omuwendo gwo'bungi bw'abantu ogusukkiridde era nga guvuddeko embiranye ku ngeri ettaka gyeliba likozesebwa n'ekyokuba nti ettaka ligenda lyonooneka; okwonoona oba okutemaggula ebibira okusobola okufuna emiti egizimbisibwa ssaako ettaka ery'okulimirako; okulima mu ntobazi awamu ne ku mbalama z'ennyanja; mukoka ayonoona ettaka namazzi olw'ennima etali yamulembe; ettaka okukulugguka; okukugira n'emiziziko egikolebwa mu mazzi g'ennyanja n'emigga okuyitiridde; okuzaalukuka kwebika by'omuddo ogwettanira ennyo amazzi gamba nga ekiddo ki water hyacinth; obutaba nanteekateeka nungi naddala erambika enkulakulana y'ebibuga ssaako n'amakolero ekivuddeko obutalabirira bulungi kazambi (ebisasiro); okuyiwayiwa eddagala ery'obulabe nandala erifuuyirwa ku birime ne ku bisolo ssaako kazambi`owamazzi; okukendeera kw'obungi bw'amazzi era nga kino kivuddeko obuzibu obweyolekera mu kutaataaganya eby'enfuna n'obutonde bw'ensi era nga kikosa nnyo amawanga agali mu kitundu kino.

Nabwekityo, LVEMP II egenderera okuddaabulula ennyanja awamu n'ebitundu ebigyetoolodde, kisobozese abantu abasangibwa mu kitundu kino, ebyenfuna byamawanga gano n'ensi yonna okutwalira awamu okubeera nga baganyulwa mu ntekateeka eno. Kikulu nnyo abantu okumanya nti amawanga ataano ag'omukago geewola ezimu ku sente oba obuyambi okuva mu LVEMP II N'olwekyo bannansi balina okukozesa obuyambi buno n'obwegendereza okulaba nti baganyulwa bulungi mu ppuloojekiti ya LVEMP II. Uganda yeewola ddoola za America obukadde 27.5 (USD) okuva mu kitongole kya IDA, Kenya yeewola obukadde bwa ddoola za America 30 (USD) ,Tanzania n'eyeewola obukadde 32.5 (USD), Burundi obukadde bwa ddoola za America 15 (USD) ne Rwanda obukadde 15(USD) ziyambeko ku bikolebwa mu kitundu kino.

Lwaki kyetaagisa okubeera ne Kiwandiiko (Client Service Charter) kino ?

Ekiwandiiko kino kirambika mu butongole abantu byebasuubira nti ekitongole kijja kubakolera awamu ne'byo ekitongole byekisuubirwa okuva eri abantu be kiweereza. Kiwandiiko kikulu nnyo eri ebitongole naabo bekiweereza, abakiganyulwamu, abakirinako obukwate awamu nabalondoola ssaako n'okukwasisa ebiragiro.

Emirimu gya LVEMP II gikolebwa abantu n'ebitongole bingi ebyenjawulo, erina ebiruubirirwa , enkola y'emirimu, ekolera mu mbeera y'ensi egenda eyawukana (Geographical diversity) era nga LVEMP II, ekolera emirimu mu mawanga mangi ate nga galina n'obukulembeze awamu n'obuyinza obwenjawulo, Abamu ku baddukanya emirimu gya LVEMP II mulimu omukago gw'ensi ettaano, ssaako n'emitendera egigobererwa (okuviira ddala ku Minister, abawandiisi abenkalakkalira abali mu bitongole ebikolagana ne LVEMP II, n'okutuukira ddala ku bantu ababulijjo era nga ppuloojekiti ya LVEMP II besinga okwagala okubeera nga baganyulwa mu ntekateeka zaayo. Abantu babulijjo basuubirwa okukolagana obulungi ne LVEMP II okugisobozesa okutukiriza ebigendererwa byayo. Ppuloojekiti eno egendererera okusitula omutindo gw'obulamu n'embeera y'abantu awamu n'okubasobozesa okuyambako ku kuzzaawo obutonde bw'ensi obwensibo obwayonoonebwa naddala mu kitundu omuli ennyanja Nnalubaale. Abalala abaddukanya emirimu gya LVEMP II mulimu; ebitongole ebisakirira n'okuyamba enkulakulana mu mawanga, ebitongole binnakyeewa (NGOs ne CBOs), eby'obwannanyini ebitali bya gavumenti (private sector), emikutu gya mawulirire n'empuliziganya awamu n'abakulembeze b'ebitundu eby'enjawulo (local authorities).

Okuva mu mwaka 2011,ekitongole kya EA SusWatch kisobodde bulungi nnyo okulondoola entambula y'emirimu egikolebwa LVEMP II. Mu kulondoola kuno kizuuse nti waliwo obwetaavu obwamangu ennyo eri abo bonna abakola emirimu gya LVEMP II okuteekawo obuwaandiike obulaga biki byebategese okukola, engeri gyebanabikola, n'ekiseera webanaabikolera. Bino byatuukibwako oluvannyuma lw'okutuuza enkiiko z'abantu, okufuna ebirowoozo ebiva mu bantu nga beyambisa emikutu gy'ebyempuliziganya awamu ne nkiiko ssatu ezatuuzibwa n'ekigendererwa eky'okwebuuza ku bantu.

Entabiro y'ekitongole kya EA SusWatch Network bakakasa nti ekiwandiiko ekirambika LVEMP II by'egenda okukolera abantu n'engeri gy'ebinakolebwa (Client ServiceCharter), kijja kuziba omuwaatwa ogubadde wakati w'abantu abaganyulwa mu ppuloojekiti eno naabo abali mu bibiina ebiddukanya ppuloojekiti eziwagirwa LVEMP II. Kino kiwa abantu omukisa okuwa amawulire agakwata ku ntambula ya ppuloojekiti, okuwa endowoooza yaabwe oba amagezi ku kiba kikolebwa okutereeza ebitatambudde bulungi ssaako n'okuwaayo okwemulugunya kwabwe singa wabaawo obutali bumativu ku nsonga yonna ekwata ku ntambuza ya LVEMP II.

Mu ngeri y'emu, olw'okubanga ekiwandiiiko kino (Client Charter) kitaddewo okwogeraganya n'abantu , abaddukanya LVEMP II, bajja kufaayo nnyo, okulaba nti bakuuma omutindo gwebikolebwa, okuweebwa ekitiibwa olw'okubanga bawuliriza ebirowoozo ebizimba ebiva mu bantu awamu n'ebyo ebibakuba ku nsolobotto. Okusingira ddala, ekiwandiiko kino kijja kuyamba nnyo okukugira abantu abatali bantu balamu songa ate baganyulwa mu LVEMP II obutatuusa bulabe obw'engeri yonna eri abakozi b'ebibiina ebiddukanya ppuloojekiti eziwagirwa LVEMP II, ssaako n'ekyokuba nti ekiwadiiko kino (Client Service Charter), kiteekawo embeera okusinziirwa okupima LVEMP II by'esobodde okukola e bituukiridde awamu nebitatuukiridde.

Okusobola okutuuukiriza entekateeka eyogeddwako ,ekitongole kya EA SusWatch Network kirowooza nti ekiwandiiko ekirambika LVEMP II by'egenda okukolera abantu n'engeri gy'ebinakolebwa (Client Service Charter), kibeemu bino wamanga;

- Okussa essira ku bitongole eby'okumwanjo gamba, ebikola emirimu gya LVEMP II ku musingi ogw'eggwanga lyonna awamu n'ebyo ebiri ebweeru w'eggwanga mu kitundu LVEMP II mwekolera, ssaako okutuusa obuyambi mu bantu nga eyita mu bibiina binnakyeewa ebitandikibwawo abantu era nga bikolera mu bitundu abantu abo gyebabeera.(Community-based Organization - CBO). Olwokubanga abantu basuubirwa okuganyulwa mu ntekateeka ya LVEMP II naddala akatundu nnamba 3 (akakwata ku kweyambisa enkola ey'abantu bennyini okulambika enkulakulalana- eyetaagibwa okusobola okukekkereza n'okukozesa obulungi amazzi agali mu kitundu kino), ekiwandiiko kino (Client Service Charter) ekirambika LVEMP II by'egenda okukolera abantu n'engeri gy'ebinakolebwa kijja kussa essira ku katundu kano nnamba 3 nga y'engeri enasobozesa abantu okuganyulwa mu ppuloojekiti eno mu bujjuvu.
- Okusobozesa abantu okuwa amawulire agakwata ku ntambula ya ppuloojekiti, okuwa endowoooza yabwe oba amagezi eri abaddukanya LVEMP II ku kiba kikolebwa ku musingi gw'amawanga (regional levels) awamu n'ogw'eggwanga lyonna. Ekirala kwe kuba nti ekiwaandiiko kino (Client Service Charter), kissaawo enkola ennambulukufu en'egobererwa okusobozesa abantu okuwaayo okwemulugunya kwabwe singa wabaawo obutali bumativu ku nsonga yonna ekwata ku ntambuza ya LVEMP II, wano mu ggwanga n'ebweeru waalyo mu kitundu LVEMP II mwekolera
- Ekiwaandiiko kino (Client Service Charter) okubeera nga kiri ku musingi ogw'okuweereza abantu (public service), kino kisobozese abo bonna abatuusa obuwereeza bwa LVEMP II okufaayo ennyo okuweereza abantu olw'ensonga nti LVEMP II etaba amawanga mangi (regional),erimu ebitongole bingi, songa ate n'abaganyulwa mu LVEMP II nabo bangi ddala.

Ekiwaandiiko kino (Client Charter) kirina bigendererwa ki?

- Okusobozesa abo bonna abaganyulwa mu nsi zino ettaano (5) okuganyulwa mu LVEMP II mu bujjuvu. Ekiwaandiiko kino (Client Service Charter) kiwa abantu omukisa okuwa amawulire agakwata ku ntambula ya ppuloojekiti, okuwa endowoooza yabwe oba amagezi ku kiba kikolebwa okutereeza ebitatambudde bulungi.
- Okussaawo enkola ey'okwogeraganya wakati wa bakola emirimu gya LVEMP (mu ggwanga n'ebweeru w'eggwanga mu kitundu LVEMP II mwekolera), naabo bonna abaganyulwa abali mu nsi ettaano (5). Kino kigenderera okusitula omutindo gw'obuweereza, okuwa amagezi agazimba n'okulongoosa ebyo ebitakoleddwa bulungi.
- Okuteekawo enkola ennambulukufu abantu mwebayisa okwemulugunya kwaabwe ku nsonga yonna ekwata ku ntambuza y'emirimu gya LVEMP II.

Ekiwaandiiko kino (LVEMP II Client Charter) kigenda kulungamizibwa kitya ?

- Abantu okukiriza nti ppuloojekiti yaabwe, bakolagana bulungi awatali bukuusa. (okukolagana okwesigamiziddwa ku kuwangana ekitiibwa)
- Okubeera n'ekolagana ey'obweerufu oba obwesimbu mu nzirukanya ya ppulojeekiti entonotono ezatandikibwaawo abantu (Community- Driven Development (CDD) sub type projects),abantu ze basinga okwettanira.
- Okulaba nti waliwo okufaayo ennyo okutuukiriza n'okufuna byonna ebisuubirwa mu LVEMP II mu kiseera ekigere, naddala ebirina okufunibwa okuva mu ppulojeekiti entonotono ezatandikibwaawo abantu (Community- Driven Development (CDD) sub type projects)
- Okufaayo ennyo n'okukuuma embeera y'obutonde bw'ensi naddala mu kutambuza ya ppulojeekiti entonotono ezatandikibwaawo abantu (Community- Driven Development (CDD) sub type projects).
- LVEMP II eweereza abantu bonna ababuli ngeri. Tewalina kubaawo kusosola oba okuboola abantu olwekikula kyabwe babe bakyala, abaami, abavubuka naabo abaliko obulemu bonna balina okuganyulwa mu LVEMP II.

Ensonga enkulu ezeetagisa okwongera mu kiwaandiiko kino (LVEMP II Client Service Charter)

- Ensonga enkulu ezeetagisa okwongera mu kiwaandiiko kino zikwata ku njuyi ebbiri: ebitongole eby'okumwanjo ebikola emirimu bya LVEMP II ssaako n'abantu abaganyulwa mu LVEMP II

Ensonga ezikwata ku bitongole ebikola emirimu bya LVEMP II (mu mawanga mwekolera,LVBC, ku musingi ogw'eggwanga lyonna, ku district n'ebitundu ebikako wansi wa district)

- Endagiriro entuufu ey'omuntu / ey'abantu bonna kisobozese okumanya anatuukirirwa Ku nsonga eri mu ddiiro
- Abantu okubeera n'obwebange okusobola okufuna n'okumanya byonna ebifa ku LVEMP II buli kiseera awatali kukugirwa okwengeri yonna (ebiri mu buwandiike awamu n'amaloboozi ssaako n'ebifaananyi)
- Okuteekawo enkola enegobererwa abantu abaganyulwa mu LVEMP II, ne kyebalina okukola singa balowooza nti ebiluubirirwa by'obuweereza bwa LVEMP II tebituukiridde
- Okussaawo enkola eyamba okugabana okumanya n'obukugu awaamu n'okubisaasanya mu bitundu ebirala.
- Okunyonyola abantu enkola egobererwa n'entambuza y'emirimu egikolebwa.
- Okussaawo ekitawuluzi abantu we baweerayo okwemugunya kwabwe oba okulaga obutali bumativu ku ntambula y'emirimu gya LVEMP II.
- LVEMP II eteekewo omukiise w'abantu anakolagana obutereevu n'abantu era mu banga erigereddwa LVEMP II etuuze n'enkiiko n'ebitongole oba ebibiina ebikola emirimu gyayo.
- Okussaawo enkola ey'okwogeraganya ennambulukufu era n'okwogeraganya n'abantu mu banga erigereddwa. Enkola eno erina okuyita mu mukiise oba ekitongole ekyalondebwa okukiikirira abantu.
- Okugabana ku bumanyirivu abantu bwebafunye oluvanyuma lw'ebyo ebikoleddwa LVEMP II mu mawanga amalala (naddala enkola ya ppulojeekiti entonotono ezatandikibwaawo abantu (Community- Driven Development (CDD) sub type projects)
- LVEMP II erina okulaba nti mu banga erigereddwa ,ekyalira abantu esobole okumanya embeera y'ennyini entuufu ey'emirimu egikolebwa.
- Okulambika obulungi ensonga y'okuwa ekitiibwa ebirowoozo byonna ebiwereddwayo abantu.
- Wabeewo enkola ey'okubeera nti buli alina akakwate ku LVEMP II yetaaba mu ntekateeka n'ebikolebwa byonna ku mitendera egy'enjawulo.
- Wabeewo obwangu mu ntambuza y'emirimu n'okukendeeza emiziziko gyonna mu nsonga zonna ez'okusalibwawo
- LVEMP II etegekewo okukyaliraganya, kiyambe ebibiina byewa obuyambi okubangawo enkolagana mu bitundu byonna LVEMP II mwekolera.

Ensonga ezikwata ku baganyulwa mu LVEMP II (ebibiina ebyatandikibwa abantu)

- Abantu okubeera n'obwebange okusobola okufuna n'okumanya byonna ebifa ku nzirukanya ya ppulojeekiti entonotono ezatandikibwaawo abantu (Community- Driven Development (CDD) sub type projects),buli kiseera awatali kukugirwa okwengeri yonna.
- Okulaba nti sente oba obuyambi obuwereddwayo bukozesebwa ekyo kyenyini ky'ezitekkeddwa okukola era nga kyesigamiziddwa ku ndagaano za ppuloojekiti ezaakolebwa ne zissibwako n'emikono.
- Okubeera n'enkola esobozesa okumanya amangu ddala ensonga yonna ey'embagirawo eyinza okulemesa ppuloojekiti zino entonotono okutambula obulungi.
- Abantu babeere abasaale okuwagira enkyukakyuka ennungi nga bayita mu kusomesa bannaabwe era nga bassa munkola n'okusaasanya entekateeka ey'okukuuma n'okukozesa obulungi obutonde bwensi.

Ekiwandiiko ekirambika LVEMP II by'egenda okukolera abantu n'engeri gy'ebinakolebwa (Client Service Charter): enkola empya mu ntambuza y'emirimu gya LVEMP II.

Ekitongole kya EA SusWatch Network kiwagira ne ssekuwagira okussaawo ekiwandiiko ekirambika LVEMP II by'egenda okukolera abantu n'engeri gy'ebinakolebwa (Client Service Charter): kino kija kusobozesa okwongera amaanyi mu mirimu egikolebwa ssaako n'abatu abali mu kitundu ekirimu ennyanja Nnalubaale okufuna byebasuubira mu LVEMP II. Ekiwandiiko kino ekya LVEMP II (Client Service Charter) kyeggasse ku bintu ebikozesebwa mu LVEMP II, era nga kijja kweyambisibwa okulambika ebirina obikolebwa abantu ssaako nebinakolebwa ebitongole eby'enjawulo ebiyambibwa LVEMP II.

ENDS